

14th October 2018.

TWEYONGERE, TETWERABIRA ERA TUJJUKIRE
OKWAGALANA.

Abaebbulaniya 13:1-3.

Vs1 MWEYONGERE okwagalananga ab'oluganda.

Okwagala okwogerwako nti mwagalane ng'ab'oluganda kuva mu kuba nti bonna abaasembeza Yesu Kristo bafuuka abaana ba Katonda mu Kristo Yesu. **Yokaana 1:12.**

Okwagala bwe kuba nga weekuli, kweyongere. Okwagala tekuuliiko kkomo nti kutuuka ne kuggwaayo oba ng'abaagalibwa baweddeyo; naye kweyongera kubanga buli lukya eriyo abanoonya okwagalibwa.

Gyetubeera, ku mirimu gyaffe, mu kkanisa, mu by'obufuzi buli wonna we tutunula tulaba ebituli mu bulamu bw'abantu eby'etaaga okuzibwa n'okwagala.

Tulina okusoomoozebwa nti emirundi mingi tukemebwa okwagala abatwagala naye okwagala kwaffe tekulina kukoma kw'abo bokka naye tukubirizibwa okwagala buli muntu.

- *Twagala kubanga Katonda kwagala*

“Ffe tumanyi okwagala kwa Katonda era tukkiriza mu kwagala kwe okwo kw'alina gyetuli. Katonda Kwagala, era buli abeera mu Katonda, ne Katonda abeera mu ye.”

(1 Yokaana 4:16)

- *Twagala kubanga Katonda yatwagala era n'alaga engeri y'okwagala. Yayagala abatasaana kwagalwa n'atuwa okusaasira kwe.*

“Kyokka Katonda alaga okwagala kwe gyetuli mu ngeri eno; bwe twali tukyali boonoonyi, Kristo n'atufirira.” (Abaaruumi 5:8)

- *Twagala kubanga okwagala kukakasa obuyigirizwa bwaffe eri Yesu Kristo.*

“Mbawa Ekiragiro ekiggya: Mwagalanenga nga nze bwe mbaagala. Bwe munaayagalana abantu bonna kwe banaategeerera nti muli bayigirizwa bange.” (Yokaana 13:34-35)

Abaruumi 12:9 -10 “Mube n’okwagala okutaliimu bukuusa. Mukyawenga ekibi, munywerenga ku kirungi, nga mwagalana mu kwagala okw’aboolugnda, nga muwangana ekitiibwa,...”

1Yokaana 3:16 “Mu kino mwe tutegeerera okwagala, kubanga yawaayo obulamu bwe ku lwaffe, era naffe kyetuva tuteekwa okuwaayo obulamu bwaffe olw’abooluganda.”

Abakolosaayi 3:13-14 “Bwe wabanagawo omuntu yenna alina ensonga ku munne, muzibiikirizanganenga, era musonyiwaganenga. Nga Mukama waffe bwe yabasonyiwa era nammwe musonyiwaganenga. Okwagala kwe kusinga ebintu ebirala byonna kubanga kwe kunyweza ebintu byonna.”

Vs 2 TEMWERABIRA kusembeza bagenyi.

Omuwandiisi ajjukira ebyafaayo bya Isirayiri abantu nga Ibulayimu bwe baayaniriza bamalayika mu bagenyi abaabakyalira era nga abakubiriza okwaniriza abantu be bamanyi ne bebatamanyi naye ng’aboogerwako mu kitundu kino kwe kusingira ddala abo abatamanyiddwa akyaza.

Naffe okwagala kwaffe tekukoma ku bantu ba munda mu Kkanisa mwokka oba mikwano gyaffe oba ab’enganda zaffe naye n’abo betutamanyi.

Okukola obulungi abo be tutamanyi kya bwa Katonda.

Ebyabaleevi 19:33-34 “Omugwira bw’abeeranga omutuuze mu nsi yammwe, temumuyisanga bubi. Omugwira atuula mu mmwe mumuyisenga ng’omuzaaliranwa ow’omunsi yammwe. Mumwagalenga nga bwe mweyagala, kubanga nammwe mwali bagwira mu nsi y’e Misiri. Nze Mukama Katonda wammwe.”

Matayo 25:35ff

3Yokaana 1:5 “Omwagalwa, okola ekintu kya bwesigwa buli lw’okolera ab’oluganda ebirungi na ddala ababeera ku ngendo ne bw’oba tobamanyi.”

Naffe twali bagenyi eri abatuukirivu n’obutuukirivu bwa Katonda era nga tetulina kakwate na bantu ba Katonda naye Mukama n’atuwa Yesu Kristo nti mu ye tetukyali bannaggwanga nga bwe twali.

Bangi ku bantu betulina okwaniriza bayinza okuba nga ebikolwa byabwe tebwatagana ne bye tukkiriza okuba ebituuufu naye ku bwa Kristo eyatwagala nga bwe twali tufaanana tubaagale.

Enkola ey'okwagala esanze obuzibu nti mwe muggira n'abetegese okutukola obubi ate nga waliwo n'abeetaaga okuyambibwa nga mazima ddala b'etaaga okuyambibwa.

Bangi bamanyi nti eriyo abalina okukola obulungi era bo ne bagufuula mugano nga balimba era nga batondawo embeera buli kaseera ey'etaaga okuyambibwa.

Kino kireetera abayamba okwetamwa singa bakizuula nti waliwo ababalimbye olwo n'abatuufu ne batayambibwa.

Abayamba ffenna tulina kweyongera newaakubadde nga emirundi egimu tusanga nga twayamba bakyamu.

****Kisingako okumanya nti nnayamba mukyamu okusinga okumanya nti nnali mukyamu obutayamba. N'olwekyo tusabenga Mukama okutulunganya ku ani ow'okuyamba.***

Vs3 MUJJUKIRENGA abasibe mu makomera; engeri ennungi ey'okubajjukira ye y'okwerowooza nga twasibirwa wamu nabo mu mubiri.

Bangi abasibwa mu makomera mu by'awandiikibwa; muno mulimu Pawulo Omutume, Yusufu, Yerejiya, Yokaana Omubatiza era n'abalala bangi.

Era ne mu mirembe ebbaluwa eno mwe yawandiikirwa waliwo abaali mu makomera olw'Enjiri ya Kristo wamu n'emisango emirala.

Engeri esinga okuyimusa okwagala okuyamba wamu n'okusabira abasibe ye y'okuba nti naffe tweteeka mu mbeera yaabwe olwo ne tulyoka tufuna ekifanaanyi ekitusindiikiriza okuyamba nga bwe tusobola era n'okubasabira okusaasira kwa Katonda kubeere ku bulamu bwabwe.

N'olw'ekyo tweyongere nga naffe okuyimusa abantu abali mu makomera ag'omubiri n'ag'omwoyo eri Mukama era tusobola n'okugenda gyebali ng'obusobozi webuli ne tubazzaamu amaanyi n'okubabuulira Enjiri ey'essuubi mu Kristo Yesu.

Katonda yayolesa okwagala okutuukiridde eri abantu abatasaanira era mu Ye mwe muli okwagala okutakyuka.

“Kyokka Katonda alaga okwagala kwe gyetuli mu ngeri eno; bwe twali tukyali boonoonyi, Kristo n’atufirira.” (Abaaruumi 5:8)

Bwe tumanya nti Katonda yatwagala naffe tujja kumwagala era twagale abalala ne bwe baba nga tebaagalika.

Bwe twagala abantu okwagala okwo Katonda ajja ku kukozeza okuleeta bangi gyali.

Kubanga mu kwagala, Katonda yawa ensi obulokozi era kwagala abaali batasaanidde kye kyaleeta Yesu Kristo.

“Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw’atyo n’awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo.” (Yokaana 3:16)